‘Muwase mu mawanga amalala’
Posted by Meli - 2008/08/05 03:29

---

http://www.connectuganda.com/images/fbfiles/images/1217866743zulu04.jpg
Museveni (owookubiri ku ddyo) n’abagole.

Bya Robert Mutebi

PULEZIDENTI Museveni awadde bannayuganda amagezi okuwasang’ana mu mawanga ag’enjawulo kikeendeze entalo z’amawanga n’obutakkaanya obuliwo.

“Kye mukoze kinsanyusizza era nsiimye, Omusoga okufumbirwa Omunyankole. Guno gwe musingi gw’okulwanyisa ebizibu mu maka n’eggwanga kubanga mwembi mufuuse omuntu omu,” Museveni bwe yategeezezza.

Bino yabyogedde ku Lwomukaaga ku mbaga ya Fiona Awaka (muwala wa minisita Daudi Migereko ow’amasanyalaze) ng’agattibwa ne Owen Muragura ku Lutikko y’e Nakaasero.

Museveni yawadde abagole ente bbiri mu nsimbi enkalu.

Ate minisita w’obutebenkevu bw’eggwanga, Amama Mbabazi yasabye abagole balowooze ku kuzaala kubanga eggwanga likula bantu.

Kitaawe w’omugole omuwala, Daudi Migereko yakuutidde abufumbo okukozesa omukwano ng’ekisumuluzo ky’amaka amalungi, era agateredde.

Bukedde
Published on: Monday, 4th August, 2008

Nze kyennebuuza, bwolaba omuntu akulemye okukolagana naye nga omuwasa/omufumbirwa nga ebizibu byammwe biggwaawo? Eno Phylosophy ya kika ki? Yali ekoledde ani? Wwa?

Mbadde ngamba nti mukutegeragana abantu bwebasoborera okuwasangana? Ate eri mu bannaffe President gyaava yyo mumala kulaba nga mukyawaganye ekisemba olwo nemwegattta mu bufumbo nebuvumula amayisa amabi nebyonna ebibeera bibatabula? Bino ayali abiwuliddeko ayambe. Naye wabula kitalo.

==========

Re:‘Muwase mu mawanga amalala’
Posted by JeenaJulia - 2008/08/05 09:16

MMhhhhhh mukafananyi M7 alina engeli gyeyabilidde omukono gwo mugole nga bwoba owendali oyinza okulowoza mbu M7 yekawasa..:lol: :laugh:ate bambi neyewomeleza bulungi.Ndowoza kabadde kabonelo ka kukatiriza kyeyabadde ayogedeko mbu "Muwase mu mawanga amalala":dry: :dry: :dry:

==========

Re:‘Muwase mu mawanga amalala’
Posted by Balyokwabwe - 2008/08/05 16:41

Muwase mumawanga amalala ! Bawalabe ba NATASHA nga teyabagamba kunfumbirwa mumawanga malala wabula mu ba TUTSI banne ? !

==========

Re:‘Muwase mu mawanga amalala’
Posted by kamikatono - 2008/08/05 17:12

---

ooooops

==========

Re:‘Muwase mu mawanga amalala’
Posted by JeenaJulia - 2008/08/06 09:14

:laugh: :laugh: Kyokka Kamikatono togwayo,bali kutuma e Mbalala nogendamu e Mbarara.Omugole omukyala musoga ate omwami alabika wamu west.Ssebo mbu "body language".:woohoo:

==========

Re:‘Muwase mu mawanga amalala’
Posted by ssewa - 2008/08/06 18:38

Naye muzukulu wa kamayiro..togwayo..kati engeri gyokutemu muka muno..ogezako kutukiriza ngombo ya "muwase mu mawanga amalala..nkulaba wetade mubitala...bwotyo bwe wa paaza ki TV kyamuno,...ngamba ki "Spe"...kazibwe yali yelondede ki TV ne receipt zakwo..hahaha...awono naffe we wanditukiriza wakiri okubako obwama bwetukuba ba Natasha...naye maama...buli wamu,buli kasera.... PPU....
Naye oswade guy mulaba lwakwesesa naye akulaba..akumanyi oswade..hahahahahaha...

Kyoka Paulo...wantama kubera nakamanyiro nawe.....wandibamu olwenyindo empanvu

Baaba wamwe

==========

Re:‘Muwase mu mawanga amalala’
Posted by Alysha - 2008/08/06 20:15

Meli, Mulufutifuti bagamba "Like father Like son" kakati welabidde nti Kagutema ebusoga yetayadda, era muko nawe werabira mangu tojukira auntie "Spe" kakati abo batabanibe abe Mbarara nabbo basonze busoga. Lindako tujja kubisoma ebinava mu punch eyo kansubire tetamiza.
Nze wamma Sabasajja awangale!

Connect Yongezaaaaaaaaaa!

Always change for the better!

==========

Re:‘Muwase mu mawanga amalala’
Posted by prettyd - 2008/08/18 21:23

Nze kankole gwakubawuliriza sijja kusaayo kyange!

==========

Re:‘Muwase mu mawanga amalala’
Posted by JeenaJulia - 2008/09/04 07:32

Mswati yeerobozza gw’anaawasa

Embeerera nga ziyita mu maaso ga Mswati.

EBIKUMI ne bikumi by’abawala embeerera byeyiye mu maaso ga Kabaka Mswati owa Swaziland ng’ogumu ku mikolo gy’obuwangwa gw’akola buli mwaka.

Ku mukolo guno, Mswati kw’alondera omuwala embeerera gw’agatta ku bakazi be abatongole era oluvannyuma lw’okwetegereza ebijuujulu bino, ajja kulondamu omukyala owe 14.

Abawala bano bakolebwako emikolo gy'obuwangwa ne beesiba obukete okusobozesa Kabaka okwetegereza obulungi. Olwo ne bayita mu maaso ga Kabaka nga bakooloobya ennyimba n'okutyabula amazina, enduulu ne zitta abalabi.

Atali mbeerera takkirizibwa kwetaba ku mukolo guno kubanga bw'akikola kiwanuuzibwa nti afa. Omu ku bawala bano, Tenene Dlamini yagambye nti afuuyirira kanwe eriiso lya Kabaka limulabe amuwase.

Abalina enku bebalya ebiyidde naye ne kabaka ono ayisewo...kikaaaaaaaaaaaaaaaaa:ohmy: :ohmy:
http://www.connectuganda.com/images/fbfiles/images/bawe.jpg

==========

Re:'Muwase mu mawanga amalala'
Posted by jameerah - 2008/09/04 10:55

---

kino kikaaa teri kulondera kabaka byanejjusa, yerondera

Vaaaaaaaaaaa?

==========

Re:'Muwase mu mawanga amalala'
Posted by rambuka - 2008/09/04 14:13

Naye lwaki balagga amabere-----bali gabiseko ebikora.

==========

Re:'Muwase mu mawanga amalala'
Posted by JeenaJulia - 2008/09/05 07:22

Rambuka lwaki oyagala bagabikeko obukola...gakuyisiza sibulungi???:laugh: :laugh: Naye nze agoyo number satu okuva eli wamanga genandiwagidde okubikako akakola,kilabika yazanyanga nyoo babulikani negabanga agasowotoka oba sikyo nga mberera oyo endya ye siyamulembe bulungi...lol nsagga.Naye olaba otya busekyungwa obulala:P ebyobukola biveko nawe songa mbele.....

==========

Re:'Muwase mu mawanga amalala'
Posted by jameerah - 2008/09/05 11:34

---

rambuka wrote:
Naye lwaki balagga amabere-----bali gabiseko ebikora.
Mama abaganda bagamba nti atunda ayolesaaaaaaaaaaaa.....:)

==========

Re:'Muwase mu mawanga amalala'
Posted by omumbejja - 2008/09/05 17:19

Kati aba kuba nga fugayo mukyaala olwo Nnabakyaala naye yandiyise abavubuka embula kalevu nazisimbya line nezigenda nga zikoloobya oluyimba nga zimuyita mu maaso bute.
Ye neyelobozaawo anii asinza oba alabika okuchanga obulungi akapiira e

Namboole namazaamu amangu akagoba ate nga nokusala musazi wabisirikko mulungi ate, nga nepeneti agiteeba bulungi ,goal nenyweera ddala ate natalwaawo mu half times nayanguwa okuyunga obudakiika , nga takuba mu off side. Nga kapiira akachangira wakati wokka , ate nga lwaawo nga kyasanyusa abalabi nga kola obukodyo bwe bwonna , ngo mupiira agira nagukonyesaako no mutwe bwayagala nateeba bwaatyo naleka nga balala bonna abakubye endobo.

==========

Re:‘Muwase mu mawanga amalala’

Posted by JeenaJulia - 2008/09/06 10:41

_____

Haaa haaa kyokka ssebo omumbejja olomboze ensamba yomupiira nenjagala nokutikila diguli naye ekibi ondi wala nyoo.Naye ela ndowoza abakuba nga afugga mukyala ela bwegutyo bwegwandibadde bwekaba nga kamu kubulombo lombo bwabwe.

==========